

**ALIPOOTA EWUMBAWUMBA KU KUMALAWO
OBUKUUBAGANO
AGRI-VIE – 01/KIBOGA, UGANDA
OCTOBER 2018**

Alipoota eno efunzizza engeri CAO gyeyamalawo obukuubagano ne byava mukwemulugunya kwe Kiboga Agri-vie-01/Kiboga.

Mu bugwa njuba bwa Uganda, kilo mita 120 okuva mu kampala waggulu ku lusozi mukibuga kye Kiboga gyosanga yafeesi za Kiboga Twegatte Cooperative society (KTCS). Kano kabonero kakwenyumirizaamu olwebyo ebisobola okutuukibwako nga abakiise beekitundu, Amakampuni n'ebitongole ebyenjawula bwebyegatta okukolera awamu okufuna embeera ennunji.



Ekizimbe kya Yafeesi ne bank ya KTCS ekiboga.

Emboozi eno etandikira ddala mu mwaka gwa 2005, kampuni eya New Forests Company (NFC), Bweyaweebwa oluukusa okutandika okusimba emitii era n'okuddukanya ebibira olwokujamu ensimbi mubibira bye Luwunga gavumenti ya Uganda kyeyali yatongoza nga Central Forest Reserve (CFR). Era ekitongole kya Uganda ekyebibira ekya National Forestry Authority (NFA) Kyalina obuvunnanyizibwa obwokukuuma era n'okuziyizza okusenga kwabantu mubibira ebyo. Oluvanyuma Iwa NFC okufuna oluukusa okukoleera

mubibira bino, amaka manji agaali gawangaalira era n'okukolera kunsalo za Luwunga okumala emyaka minji bawalirizibwa okwamuka era n'okulekulira ekitundu kyo mu 2009.

Oluvanyuma lwokujibwa kuttaka lye Luwunga, abantu bekitundu baaffuna okugezesewa kunji; anti nga tebalina wakubeera n'ettaka kwebalimira. Wabula o'lwo kwewayo kwabwe ne NFC okutema empenda eziganyula bwombi wamu nekilubirirwa kyabwe ekilambulukufu n'okukola enyo okumala emyaka minji, binji bituukiddwako kulwembeera n'obuulamu obweyagaza eri abantu ne kampuni. Oluvanyuma lwokutuka kunzikiriziganya mu 2014, pulojekiti nyinji zitandikkidwawo kampuni nga ekolagana wamu n'abantu bekitundu ku mattaka KTCS gesenzezako abantu nemubitundu ebilala abantu gye bagenda basenga.

Alipoota eno egayo okuwumbawumba kw'okwenyigiramu kwa CAO, Abantu be kitundu wamu ne NFC, nga eluubirira okulaga olugero Iwenkyukakyuuka okuva ku nkayana, wamu n'okufirwa munkulakulana okutuuka ku nkolagana, byona bisobose olwokukolaganira awamu. Era olugero lulaga ebisobola okutukibwako mukuyita mukutabaganya kwa CAO singa ebiwayi bikkanya okusigala kumulamwa.

Okwemulugunya

Mu December wa 2011, abakiise ba bantu okuva mukitundu ekimu ekya Uganda nga

bawaggiddwa ekitongole kya Oxfam International, Oxfam Great Britain wamu nekitongole ekya Uganda Land Alliance baleeta okwemulugunya kwabwe eri CAO kulwabantu baabwe.

Abeemulugunya bagamba nti enkuumi n'enkuumi zabantu zavalirizibwa okuva kuttaka lyabwe kisobozese okusimba ebibira omuva ensimbi, ekyabavirako okwonoona ebintu byabwe n'obulamu bwabwe, ekintu ekyanyigiriza ennyo ebyobulamu n'ebyenjigiriza. Okwemulugunya era kwanokolako enkola yekitongole kya **International Finance Corporation (IFC)** etaali nambulukufu mugimu kumirimu egyakolebwa awataali kwebuuza kunkola eyokujjavo abantu.

Endaba Ya CAO Ey'ebintu

Ekibinja okuva mu CAO kyakyalako mukitundu ekyalimu abeemulugunya, era nebasisinkana naba NFC mu mwezi gwe February ne March 2012, okusobola okwekennenya, okunyonyola awamu n'okukubaganya ebirowoozo ku mpenda ezenjawulo ezandiyitiddwamu nebiwayi ebyenjawulo okumalawo okwemulugunya.

Mukwekennenya kwa CAO, kampuni ya NFC yakikatiriza nti yaritelina weyeniyigidde mukusengula abeemulugunya okuva mu bibira bye Luwanga CFR. Okusinzira ku NFC, baali baaweebwa olukusa okuddukanaya emirimu gyabwe mukitundu ekyali ekyereere nga kibaweebwa gavumenti ya Uganda. Obuvunanyizibwa obwokujjavo abantu bwali bwa gavumenti nga eyita mukitongole kyayo ekyebibira (NFA).

Enjuuyi zombi zakkaanya nti waliwo okukosebwa mukusengula abantu, n'obwetaavu bwa NFC okozesa ebibira byayo wamu n'abantu ne NFC okukola n'okubawo mu ddembe nga tewali anyigirizidwa, byali biyina okutesebwako yadde nga waliwo enjawukana zamanyi

mukuusoka. NFC wamu n'abeemulugunya baasalawo bagende mu nteesaganya nga baluubirira okumalawo obukubagano okusobola okutuuka kukukaanya kunsonga ezaari mukwemulugunya.

Enteesaganya ez'okumaalawo obukubagano nga zikulembeddwa CAO zaatandika mu April 2012 nga essira lye enteekateeka eno lyasinga kussibwa ku kusaawo omukisa eri enjuuyi zombi okumulungula ensonga mukutesaganya n'okukiliziganya. Tekyagenderela kukakasa esonga zali zogedwako mukwemulugunya oba kusalawo kubutufu bwazo.

EMITENDERA GY'OKUGONJOOLAMU ENJJAWUKANA

Okuuzimba Obwesigwa

Enkiiko ezaasooka ezakubirizibwaanga CAO wakati wa bakikirira abeemulugunya ne NFC zaali zabunkenke bunji ddala. Gwe mulundi ogwasooka abali bakikiride abeemulugunya okutuula ku meeza yemu naba NFC mulutuula olw'okutegelagana.

Olwobukuubagano obwaliwo n'amawulire agaali gatambudde, obwesigwa bwali butono nnyo wakati wenjuyi zombi nga sikyangu okumanya buli ludda kyerwali luluubirira okufuna.

Abali kakikiridde abantu abeemulugunya baalemwa okwenyigiramunteeseganya ne NFC bulunji olwobukugu obutono ddala bwebalibayina mu byokutesa n'okutegelagana, N'olwekyo CAO yateekamu obuwagizi n'okusomesa mubukugu bwokutegelagana wamu n'okuteesa okumala emyezi minji okubasobozesa okuteseganya. Era CAO yateekawo n'omusomo ku makubo ag'okumalaawo obukuubagano n'okutegeragana eri NFC.

Amateeka ga Uganda gasaawo obukwakulizo ku biki NFC byeyalina

okukola; Baali tebasobola kuliyrira bantu wadde okubaddiza ettaka lyabwe balikoleleko emirimu. Wabula olwokuba enjuyi zombi zaali neteefuteefu okuwuliriza n'okukolera awamu nga tewali asukulumyekumune, ne mpiisa ennunji n'okwewayo wamu nekibinja kya batabaganyi ekyaliwo okuva mu CAO, baasobola okutuuka kukukaanya. Kino kyalaga nti enjuyi zombi zaali zaagala okumalawo obutakaanya buno.

OKUZZULA ENSONGA EZAWAMU

Kyali kyamakulu nyo eri abeemulugunya NFC okuwuliriza n'okuteegera bye baali bayisemu. Bali baagala NFC ekikkirize nti obulamu bwebaali batandise mukibira bwali busaanyiziddwaho. Era nti baali bavudde mubwa nanyini ttaka nebafuuka emomboze. Abeemulugunya baali bakimanyi nti bajja kuliyrirwa, basasulwe era baweebwe awokubeera.

Y'o NFC yali nenyamivu ne byalibigenda mumaaso kumikulu gya mawulire, era yo nekitiriza nti bwali bulimbaa nebigambo ebijweteke ebyafulumiranga mumawulire. NFC yakatiriza nti yalowoza nti gavumenti yali ekwasaganyiza omulimu gwa bantu okuva mu bibira kyeyagalile kubanga abantu baali beesenzako mubukyamu era nga baali baakuvaako mu dda.

Okusinzira ku NFC enteekateeka eno eyokusengula abantu yagoberera ssemateeka namateeka agafuga Uganda nga kikolebwa ebitongole ebikwatibwako.

Y'o NFC yeteegeeza nti terina kyevunaanyizibwa ku kusengula abantu ku mpaka. Era bwo baali bagoberera olukusa olwali lwabaweebwa nga bakolera kunkola ya gavumenti nenteekateeka zaayo; kubanga baali bayitiddwa gavumenti mu kusimba ebibira, okutondawo emirimu egyenkalakkalira, okukulaakulanya ebyalo, okugoba obwatu era nga bwebakuumu ettaka lyebibira n'okongera okusimbamu emitii nga bakolera wamu nebyalo ebibyetoolodde.

Okusinzira ku NFC, yalowoza nti terina buvunaanyizibwa eri abantu nebyalo ebyalibyetoolodde wadde nga kampuni yo yali yewaayo okukyusa embeera za bantu ne byalo webali bakolera emirimu. N'olwekyo NFC yeewaayo okuwuliliza n'okugonjoola okwemulugunya okusobola okutekawo enkola ennunji no kukuma obwa sseruganda obwoluberela ne bemilirwaano.

"Nga abasiiga nsimbi abwobuvunanyizibwa eri embeera zabantu twesaanga mu kattu kuluuyi olumu olwebyo byetwalina okukola olwobukwakulizo obwasibwa gavumenti ya Uganda eyali effuga olukusa Iwaffe olwokukola emirimu. Ate kuluuyi olulala, binji ebitaali bituufu ate nga byabusagwa eri kampuni ebyafulumilanga mu mawulire okuva eri ebitongole ebyanakyewa ebyamanyi ekyatuusa kampuni kumpi kusaa elyokugalawo nabakozi enkumi bbiri okufirwa emirimu gya bwe. Twasuubira nti okutabaganya kwa CAO kujja kuvaamu omulamwa omulunji eri buli omu okusobozesa okuzimba embeera ennunji eri ffena mukitundu."

Alex Kyabawampi, Corporate social Responsibility (CSR) Manager, NFC Uganda

Okuteekateeka Ebiwayi Okusobola Okukkanya

Abeemulugunya beelondamu era nebawa obuvunanyizibwa akakiiko akanaabakiirkira muntesaganya era ne miwatwa nejjikiriziganyizibwako abakakiiko mwebanayitanga okuzaayo amawulire okuva muntesaganya eri mubintundu na bantu babwe. Kyafuka kiizibunyo ddala okuzuula, okukakasa n'okuwandiisa abatuuze abaalina okwemulugunya okutongole okubeera kwabo abali bakikiridwa muntesaganya era n'okusalawo ani aneetaba muntesaganya era neyewayo okutwala obuvuunanyizibwa kwebyo ebinavamu.

Kyatwala obudde bunji nnyo okusobola okuzimba obukuggu bwa bali bakikiride abeemulugunya okubasoboseza okwebuuza n'okutabagana okulunji muntegeera yemu na bantu babwe wamu ne NFC. Kino kyalimu okuyigiriza okwenjawulo, n'enkiiko ezenjawulo wakati wekibinja ekyalikitabaganya n'abakiise babeemulugunya buli lukiiko lwokutabagana nga telunatula.

"Nze nga omukyala, okuba owamazima, ngatwakatandika enteesaganya zino, newuliranga nga ndi wa wansi nyo era nga ntya okwogera mulujjudde lw'abantu. Naye kati wenjogerera nsobola okwogera mulujjudde lw'abantu nembuuza ebibuuzzo era nenfuna okuddibwamu. Kati njjize okwogera ekindi kumutima no'buvuumu bunji nga siyina kutya kwonna."

Tasiana Nansaba, Mukyise wa beemulugunya.

Okutegeragana Ku Nsonga

Oluvanyuma lwemyezi nga enkiiko ezawamu zikutuula, omwali okuzuula esonga n'okubagga amateeka aganatambulilwako, ebiwayi bwombi byatandika enteesaganya kunsonga .

Ensonga enkuulu zalondebwamu era nezeekenenyezebwa. Ensonga ezo newankubadde zawakanyizibwa, zezaawa omugongo n'okusobola okulengerera ewala kulwentesaganya enuunji era byalimu bino wamanga:

- Okukosa emitima gy'abantu
- Okukosa emibiri n'ebisago
- Okwonooneka kwa amaka, ettaka, embeera yo bulamubwabwe ne bwobuwereza byabwe
- Okwonona erinya lyayo, okufiirwa sente, NFC byeyalowooza nti byaleetebwa ebyalibiyita kumikutu gyamawulire
- Obwetaavu bwokuzaawo empera zabantu, okubafunira ow'okubera n'okuliyilirwa

- Obwetaavu bwokumanya nokusamu ekitibwa olukusa n'obuyinza bwa NFC okukolera wamu n'okukuma ebyobugagga byayo mu bibira ebyo.

Ebiwayi byatandika okutegeragana n'okutesa kunsonga enkuulu ezo nga ziyita munkiiko ezenjawulo era enkiiko zino zakubirizibwanga ekibinja okuva mu CAO. OXFAM nga eyita mu yafeesi yayo eya Uganda yaliwo mulugendo lwona olwenteseganya n'okutabaganya nga ewa obuyambi eri abeemulugunya.



Abakiise wamu nekibinja kya CAO abeetaba muntesaganya kulunaku lwo kusaa emikono ku ndagaano.

Okutuuka Ku Ndagaano

Oluvanyuma lwe myaka ebiri egyokutabagana, ebiwaayi byakkiriziganya okuteeka omukono ku ndagaano mu May wa 2014 ku nsong a zonna ezaali zireeteddwa.

Mu ndagaano ebiwaayi byakkiriziganya ku nteekateeka eyenkulaakulana eyolubeerera. Era bakkirizibanya nti abeemulugunya baali baakutandikawo ekibiina kyo bwegassi ekinaakola kulwabantu abaali banyigiriziddwa. Era nti bona abali bemulugunya be baali bagenda okubera ba nakazadde bekibiina.

Ekibiina kyobwegassi kyajja ba memba bakyo mu disitulukiti taano ba memba gyebali basenguukiidde omwali; Kiboga, Kyankwanzi, Nakaseke, Mubende ne Mityana. Era ekibiina Kyatumibwa "Kiboga

Twegatte Co-operative Scociety (KTCS)". Okukyegattako n'okufuna obwa memba mukibiina abantu baali bayina okulaga obukakafu nti baali bawangalira era nokulimira mu bibira bye luwanga Central Forest Reserve.

"Oluvanyuma Iwokuteeka omukono ku ndagaano, obwera likirivu bwange bwali buweddewo era nentandika okusuubira ebiseera ebirungi mumaaso. Okuteeka omukono ku ndagaano kyaatuuleetera okufuna kyewtali tuluubirira okumala ebbanga eggwanvu."

Jennifer Nakibirige, mukyise wa beemulugunya



Ekipande kyendagiriro ya Yafeesi za KTCS.

Ekibiina kyobwegassi kiwandise mumateeka era nga nabakirimu bayina ssemateeka gwebagoberela era abafuga. Ekibiina kifugibwa kumateeka agafuga ebibiina byobwegassi mu Uganda.

Ekibiina kirina akakiiko akakulembeze ka bantu mwenda akiddukanya kulwabalala. Akakiiko kano kalondebwu mu lukiiko Iwabona buli luvanyuma lwe myaka ebiiri. Era kaliko akikirira abakyala na bavuubuka. Akakiiko kalina obukiiko obulala obukayambako okuddukanya emirimu omuli; akebyensimbi no'kutekerateteka ekibiina, Akebyettaka, Akebyekwewola, Nakakiiko akalondola entambuza yemilimu mu kibiina.

Ekibiina olwamala okutongozebwa, kyafuuka edobozi era nekikola kulwabantu abaali banyigirizidwa.

Ebiwayi byakanya okuteeka mulugudde obukwakulizo buno wamanga;

- NFC yakiriza okuwa obuyambi mubyensimbi eri ekibiina, era kino kyalimu no'kugaziya kumirimu egirongoosa embeera zabantu okusobola okugonjoola ebizibu ebyali mu kitundu. Era NFC yakkirizaganya okukolera wamu n'ekibiina kyobwegassi nabakirimu okusobola okunyweza enkolagana enebakuumira awamu

- Abeemulugunya bakkiriziganya okussa ekitibwa mu buyinza ne dembe lya NFC okukolera mu Luwunga Central Forest Reserve, era bombi bakiriziganya okukolera mumateeka nga bwebatesaganya okusobola okusaawo enkolagana eyolubeerera n'omwoyo gwobwa sseruganda.

- Ebiwayi byakiriziganya okukolera awamu kunsonga ezenjawulo ko nemirimu ejigendererwa okusaawo enkulaakulana eyolubeerera mukitundu. Akakiiko akookwekulaakulanya; **Joint Development Forum (JDF)** Kaatandikibwawo okulungamya, okuteesa no'kusalamo kunteekateeka eyenkulakulana.



Okwebuuza ku bantu.

Ebyagwabitalaze Okuva Mundagaano

Ebiwayi byakakasa nti endagaano gwegwali omusinji ogwenkulaakulana

mumaaso, naye yalitesobola kutuukiriza byetaago byabo abaali bakoseddwa. Era nga yali tejja kusobozesa bantu kozesa ettaka elyo.

Nabwekyito, baatuukirira NFC okubawa obuyambi kulwebyo ebyali bituukiddwako oluvanyuma lwo kusa emikono ku ndagaano ne NFC, Baasobola okutegeragana ne batuuka ku nzikiriziganya ne NFC eyenjawulo gyebateka nemubuwandike ekyabasobozessa okufuna obuyambi bwensimbi okuva mu yafeesi y'omukulembeze weggwanga okubasobozesa okufuna ettaka. Okugguula ettaka kuno kwasobozesa ekibiina okusobola okusengula abantu n'okubasenza ku ttaka wamu n'okukulaakulanya obulamu bwabwe. Wadde teyali endagaano enkulu eyali ekubirizibwa CAO, naye enzikiriziganya eno yawa omuzinzi gwamanyi eri enkulaakulana yekibiina kyobwegassi kino.

NFC egamba nti efuunyemu nyo munteekateeka eno naddala mukumulungula ensoga eyali y'okuletawo obutabanguko eri emirembe nga biva kunkayana ezaliwo, nga kino kyasoboka olwa batabaganya ebèsimbu na mazima okuva emitala wa mayanja. Enteekateeka y'okutabaganya yayanirizibwa NFC, era kyongedde amanyi munkolagana wakati wa NFC nabagyetolodde.

NFC yekeneenyenya enkola yayo eyokufunamu ettaka nga essinzira ku butya abantu beekitundu bwebaali beenyigiddemu. Wabula NFC egamba nti okubwononera erinya nga byali biyita mumikutu gyamawulire egiali gyekubidde n'okufirizibwa nga bamusiga ensimbi, tekyakolebwako era kyongera okunafuya nkola ya NFC nga kampuni.

Okulondoola Ebyavaamu

Mumyaka ena egyaddiria (2014 - 2018), CAO yali yekkanyanga era nelondoola

ebiwayi byombi kunkola n'okussa ekitiibwa mu ndagaano.

Nga ekimu kubintu mukulondoola enkola eno, CAO yalonda o'webyokwekulaakulanya mukitundu Community Development Co-ordinator (CDC) okukola ne kibiina kyobwegassi. Era essira yali waakuliteka ku; okusengula no kusenza ba memba wamu nokuyaambako okusawo emirimu ejivaamu ensimbi mu kibiina kyobwegassi.

O'webyokwekulaakulanya (CDC) yawanga amagezi egekikugu n'obuyambi ebwenjjawulo eri ekibiina kyobwegassi mu kisera kyona ekyokusa endagaano munkola. Era abakungu okuva mu CAO nabo bajjanga buli luvanyuma Iwakasera nebeebuzanga ku biwayi byombi ngeri endagaano bweyalu etekebwa munkola.

Kunkomerero ya August 2018, CAO yayita olukiiko oluggalawo n'okujaguza kwebyo ebyali bitukidwako, era olukiiko luno Iwatuzibwa ku kizimbe ekipyä ekye kibiina kyobwegassi ekiboga. Olukiiko Iwalimu; bamemba abasooba mu lukumi (1,000) okuva mukibiina kyobwegassi, Abakulembeze nabakoozi okuva mu NFC, Abakungu okuva mu gavumenti, Abakungu okuva mu CAO, Abakiise okuva mubitongole ebyenjawulo wamu nabakulembeze bebitundu. Ebiwayi byombi byawa okudamu kwabyo kunkola ne mirimu bwejjalijitambudde eri CAO, era nebikakasa nti ensonga zona ezaari zilegedwa mu kwemulugunya zali zikoleddwako bulunji ddala.

Ebiwayi byombi byakaanya nti omwoyo omulunji gwali gwoleseddwa mukaseera akokuteka endagaano munkola era nti newankubadde baali basanze obuzibu nebisomoza binji, obweyamu bwonna mundagaano bwali butukiriziddwa. Era bateesa kungeri y'okwongera okuzimba n'okunyweza enkolagana eyemirembe era ennunji gyebaali batuuseko muntekateka eno.

Ebyavaamu

Olувьумा Iwendagano wakati wa NFC ne kibiina kyobwegassi, nemirimu ejjakolebwa NFC ne kibiina kyobwegassi, Bino wamanga bye batuukibwako;

Ettaka eryokusengako no'kulimirako okutonotono

Ekibiina kyobwegassi kyasobola okugula ebiwayi biina (4) ebyamattaka nekiruubirira okyokusenza abantu bakyo n'okuzza embeera yaabwe kuntiko. Naye o'Iwobuzibuzibu n'obulombolombo bwebye ttaka mu gwanga, ettaka limu (1) lyoka kwagwo agaguliba ekibiina kyelisobodde okusenzako abantu bakyo bulunji paka kati. Amaka agawereraddala 383 (mukuteebereza abantu 1,568) beebasenze ku yiika nga 900 eze ttaka eryomugaso mubitundu bye kyakatebe mu disitulikiti ye mubende.

Amaka gano gaalondebwa n'obwegendereza akakiiko akabyettaka n'okusenza (land and Resettlement committee) nga ate kebuuza bulunji ku ba memba nabakulembeze be Kibiina.

Essira lyasibwa ku maka agali mubwetaavu olwokuba ekibiina kyobwegassi kyali tekisobola gula ttaka kusenza buli memba mukiseera kyekimu. Bamemba abamu baagana obuyambi obwo olwokuba baali bamaze okusenga ewalala, olwo abalala nebalindirira okutuusa nga ekibiina kyobweegassi kimaze okumaliriza okununula amattaka amalala.

Ekibiina kino ekyobweegassi kyonera okuzuula amakubo agokufuna mu ensimbi okusobola okufuna ettaka okuyamba abalala abali mukibiina kino

Buli maka agasenga ekyakatebe gaaweebwa akataka (puloti) okusobola okuzimbako enyumba waamu ne yiika biri ezokulimirako. Buli maka gaakubirizibwa ekibiina kyobwegassi okusoka okusimba ebimeera ebyangu era mubwangu ddala

okusobola okutandika nokufisaako emeere eyokutunda mubutale. Okuva mu mwaka gwa 2014, ettaka lino likyusidwanyo okufuka ettaka lyomugaso munima entonotono.

Ekibiina kyobwegassi kyeyongera okukola nga bwekiruubirira okusobola okufuna obwananyini no'kusobola okukoza amattaka agasigaddeyo mu mateeka.

Mumattaka gano mwe muli; **Gomba yiika 985, Rwensololo yiika 200 ne Kansera yiika 20.**

Amattaka gano olunaamala okununulwa, ekibiina kyobwegassi kijja kuba kisobola okusenza amaka agaasoba mu lukumi (1,000).

Pulojekiti eza kakiiko akokwekulakulanya, Joint Development Forum (JDF)

NFC nga eyiita mu kakiiko ka JDF, yateekawo pulojekiti ezenjjawulo nekigenderelwa okuganyulwa ba memba be kibiina kyobwegassi okumala ebbanga lya myaka ena nga bwezikakasibwa olukiiko olufuzi o'lwe kibiina ne JDF. Pulojekiti zezino wamanga;

- Nayikondo ya mazzi ekyakatebe – wadde nga kyatwalira NFC omulundi okusuuka mugumu mukugezako okuzimba Nayikondo ekyakatebe, Nayikondo ya mazzi yamala nejjimaliriza bulunji era eweereza abantu abasenga ekyakatebe (abawerera ddala amaka 350). Nayikondo eno ekoza mukono mukusunda amazzi.

- Enzizi eza pampu ekiziga, Ntwetwe ne Nakayaga zazimbwa era ziweereza ekitono nyo amaka agaweera ddala 150 buli lizi.

- Enguudo zaalimibwa ekyakatebe okusobozesa abantu okutuuka mumaka gaabwe nekuttaka mubwangu.

- Ekizimbe ekyebibiina bibiri kya zimbibwa kussomero lye kayindiyindi primary school.
- JDF yafuna obuyambi mubyensimbi, mubyobuwandiisi nebyentambula okusoboza okusisinkana olubeerera nokukola emirimu kannabwala.



Eddwaliro nekiffo ekigaba obujanjabi obutandikirwako.

- Ekizimbe kyemirimu egyptenjawulo (egyaguno neguli) kyazimbibwa ekyakatebe era kati kikozesebwa nga essomero, office ne kifo ekyokunganiram.
- Ekizimbe ekyebibiina ebibiri kyazimbibwa ekamirampango, nga eno bangi ba memba be kibiina kyobweegassi gyebabeera.
- Ebizimbe bye dwalirwo elitandikibwako ekikwatambogo byayoyootebwa era nebilinyisibwa nekumutindo gwabyo. Kati edwalirwo liddukanyizibwa omusawo w'omukitundu.
- Ekkidiba ekinene kyasimibwa era nekizimbibwa ekampindu, nekisibwamu engege ento munkola eyo kusawo pulojekiti eyokulunda ebyenyanya nga kino kiddukanyizibwa ekiina kyobweegassi bwebafananya emirimu kulwa KTCS.

- Ekizimbe ekinene kyazimbibwa ku ttaka lyekibiina kyobwegassi ekiboga nga kijja kuweereza nga yafeesi yekibiina era nokufuuka yafeesi za SACCO ya KTCS.

- NFC yasaawo ensimbi n'obukugu ebwenjawulo mu kutandikawo edduka elitunda ebikozesebwa mukulima (Agro-input store) eridukanyizibwa ekiina kyobwegassi era nga ojje ko okuwa ba memba ebikozesebwa mukulima liyamba ba memba mubintu ebilala nga; okusomesa nokuwa amagezi amakuugu mubyokulima.

Okuzaawo Obulamu Bw'abantu n'okutumbula Embeera Zabwe

Munkolagana n'enkwatagana wakati wa NFC n'ekibiina kyobweegassi, bingi bituukidwako mukuzaawo obulamu bwa bantu n'okutumbula embeera zabo abali beemulugunya:

- Amaka 383 kwabwo agabeemulugunya gegateledde bulunji ku ttaka ekiina lyekiyina mumateeka ekyakatebe era wano ekyalo ekyawamu kitondedwawo ate nga kikulira ku musinde gwawaggulu ny. Guuno gwe mulundi ogusoka abatuuze okuba nga bayina obukumi n'obwananyi ku ttaka ebbanga ekiina kyobwegassi bwe kinaba nga kyekiyina obwananyini ku ttaka kulwa ba memba bakyo. Nga batandikira mu buyumba o'bwamatundubale ne mitii obutonotono, ba memba bekibiina basobodde okuzimba enyumba, amadduka na masinzizo agenkalakalira nga bakozesa amatafaali ne bumba. Balimye ettaka, basimbye ebimeera ebyenjawulo, batadde sente mubintu ebigena okuzaala sente mumaaso, era basobodde okukungula emeere buli lulima eyokilya n'okutunda.

- Ebibiina ebirabirira abaana bitondeddwawo okulabirira abaana nga abazadde baabwe bali mukukola.

Amasomero ga baana ekyakatebe ne kamirampango gakola bulunji era n'okusomesa abaana kugenda mumaaso okuyigiriza abaana.

- Ekibiina kyobweegassi kigenda mumaaso n'okukyikirira ba memba bakyo musonga zona ne byetavu byabwe era nekibebuuzako kunsonga zona ezibelawo wamu noku bategekeera noku bawagira mumbeera yo kuzaawo obulamu bwabwe, okumalawo enyombo n'okugonjoola enkaayana wamu nokusaawo enkola eziyamba abatuuze bwona mu ekitundu.
- Wadde nga waliwo obuzibuzibu muntandikwa, kati obuweereza n'o buyambi

bwa gavumenti nga buyita mu mikuutu egyenjawulo butandise okutuka mukitundu kino nga bwe kili mubitundu ebilala.

- Ekizimbe ekiliko yafeesi ne banka y'ekibiina kisawo emikiisa minji eri ekibiina neba memba bakyo okusawo nokukola ebintu binji ebiyingiza sente. Ekibiina kyobwegassi kyakusaawo SACCO enekwasaganya emirimu gyayo nga esinzira wano, era Ekibiina kiyinza okupangisa ebisenge ebimu mukizimbe oba basobola okusamu bu bizinesi obutono, kiyinza okukoleramu emisomo n'okutendeka wamu nemirimu emirala egisobola okuvaamu ensimbi

OKUKUBA TOOKI OKUVA MUNTEEKATEEKA

Eteekateeka Ekyuka Nembeera

Ekibinja okuva mu CAO n'ebiwayi ebibiri baali bayina okutambilira ku nkola ekyuukakyuuka okusobola okumalawo obukuubagano okusinziira ku buteesigangana bwe baalina ko n'okutyu kwebyo ebyalibigenda okuva mu nteesaganya wamu n'obutali bwenkanya mu bukuggu mukaseera akukutesaganya.

Olvanyuma Iwentula ezasooka okugwa, ezalimu n'okukaanya kwebyo ebinaagobererwa nengeri okuteesaganya bwekunatambula, enkiiko ezenjawulo zaateekebwateekebwa okusobozesa enteekateeka okugenda mumaaso. Ebiwayi Iwebyasooka okusisinkana mulukiiko olwawamu, era nemunteesaganya zona, akabondo akatono kwabo abali beemulugunya kekakikirera abali basigadde muntesaganya era walingawo emiwatwa akabondo mwekayitanga okuuzayo obubaka okuva munteseganya wamu n'okwebuza kwabwo bebalibakikiridde.

Enteekateeka y'okumalawo obukuubagano teyalituukiridde era yandiremeseddwa muntandika singa tewaaliwo kutambilira kunkola ya kukyuukakyuuka okusinzira kubwetago ne biwayi okuba nga bikiriza okukyuukakyuuka okusinzira kubyetago byomulala.

Omulimu gw'ebitongole byobwanakyewa ebyawano nemitala wa mayanja (NGOs)

Oxfam wamu ne Uganda Land Alliance baakola omulimu gwattendo okuyamba abali beemulugunya okujjayo obuzibu bwabwe era n'okusobola okusaayo okwemulugunya kwabwe eri CAO. Ebitongole bino byayamba abaali beemulugunya nadala mukwetekateka mukutambuza ensonga, n'o kweteegeka bulunji era nebassawo ne enkola enungamu eyayitwamu okulonda Abakiise n'okubawa obuuyinza okubateseza mu nkiiko zo kutegelagana. Obuyambi mumbeera ne ensimbi okuva mu bitongole ebyobwanakyewa (NGO) byayambano abakiise babeemulugunya okusobola okunyweza okubaawo kwabwe mu ntekateeka eyokumalawo obukuubagano okumala ekiseera kiwanvu.

Wabula enteekateeka oyo kutesaganya eya CAO yatandikira mu mumbeera eyo

bunkeke bunji nga ebitongole ebyobwanakyewa (NGO) ebyawano ne mitala wamayanja byali biyisa amawulire agali ganenya NFC nti yeali evuddeko embeera embi yona abeemulugunya gyebali bayitamu ekiseera ekyo. Enkola eno eyebitongole byabwanakyewa (NGO) yaleetawo obutesigangana bwamanyi nyo era entekateeka eno yamala kuyimirizibwa ebitongole ebyabwanakyewa (NGO) nga bayise mundagano olwo NFC nelyoka ekiriza okutandika okogeraganya na beemulugunya okusobola okumalawo obuzibu obwaliwo.

Kunkomerero ekyasoboseza okutuka kubuwanguzi mumbeera eyali oyo buzibu n'okugezesebwa okwamanyi munteekateeka eyo kumalawo obukuubagano kwali; kwewaayo kwamanyi, obwesigwa n'omutima ogwagaliza ogwayolesebwa NFC na bakiise ba bantu abaali beemulugunya.

Obulunji Bwokuzimba Enkolagana

Okusinziira kubeemulugunya, kyebasinga okuyiga munteekateeka eyo kutabagana kwekuuula nti baali bayina era nga beetaga okuzimba enkolagana eyamanyi ne NFC kino kyesigamizibwa kukumanya eddembe n'obuyinza bwa Kampuni (NFC) okukola emirimu gyayo mu luwunga n'ebyo ebibaganyula bwombi. Era ekyo kyasobozesebwa kulwokwewayo kwa kampuni eri enkola yayo n'omuntu wabulijjo. Ekibiina kyobwegassi ne NFC byombi bitegedde bulunji nti bijja kubeera balirwana okumala emyaka minji gyebujja era bwombi bakuganyulwa munkolagana eyokwekulaakulanya wamu n'okukuma ebibira bya NFC.

Obukulembeze bye kibiina kyobwegassi kitutte ebyokuyiga bino mumaaso mukuzimba enkolagana yakyo na bakulembeze abeitundu, yafeesi za gavumenti wamu ne bitongole ebilala ekintu ekitaliwo mukusooka.

Endowoza ya CAO ku Makubo Agayinza Okuyitbwamu Okuziyiza Embeera Yo Butabanguko Obutabawo

Mukwogeraganya kwa CAO n'ebiwayi byombi (NFC ne KTCS) kuva nga bakyali muntesaganya n'olvanyuma lwoku kaanya, bwombi bakiliza ne bakikatiliza nti binji ebyali biyina okukolebwa okuziyiza okusajjuka kwembeera eyobutabanguko mu pulojekiti. Era basubila byalikoleddwa bwebiti mungeri ezenjawulo wamanga;

- Abekitundu abayinza oku kwosebwa n'okuteteganyizibwa olwa Pulojekiti ne ba kasitoma ba IFC baliyingidde nga muku kubaganya ebilowozo n'okuteesa kuntandikwa nga pulojekiti

Etekebwateekebwa okusobola okutunuulira ebinakyukakyuka mumbeera zabantu n'obutonde, era nengeri oyo kubikwasaganya. Okunonyereza ku binatuukawo ku mbeera zabantu n'obutonde kabonero kanene akalaga obutabanguko obuyinza okubeera nokusaala amagezi engeri eyokubuziyizamu naddala nga sente tezinaba kuwebwa ba kasitoma ba IFC.

- Mumbeera ezitalizimu, kyamakulu ba kasitoma ba IFC okukolagana nendwooza zabantu okusinziira kubuvunanyizibwa bwekitundu nembeera zaabwe ezabulijo, nga bwebeekwasaganya kubigenda mumaaso. Newankubadde nga IFC yasaawo omutindo gwenkola yemirimu wayinza okubaawo ebiseera nga ba kasitoma ba IFC lwe bayinza okwagala okusukka kuwekyetaagisa. Oba nga bayinza okwagala okugonjoola obutakaanya nga bakoza omutindo gwenkola eyemirimu.

- IFC eri munteekateeka yakuwandika no' kufulumya ekitaabo ekyo ekikwata ku kusengula no' kusenza abantu ekija okufulumizibwa mu 2019 ekija

okuyambako naddala mubitundu omunakolebwanga pulojekiti. Ekitabo kino kijja kwesigamizanyo mu kuyiga okuva mu misango gya CAO wamu ne IFC beyisemu ate era neyiga okuva lwe yasawo omutindo gwenkola yemirimu okuva mu mwaka 2012. Okusinziira ku IFC, ekitabo kijja kulambulula enteekateeka n'enkola enungamu era kijjakubelamu enkola n'endagirilo naddala y'okwatamu embeera yo kusomozebwa mu kusengula n'okusenza abantu naddala okwo okukulebebwa gavumenti.

OKUWUMBAWUMBA

CAO yamaliliza okwenyigira mumusango guno nga emaze okukakassa nti byona ebyali bikiliziganyizidwaako mundagaano wakati wa NFC nekibiina kyobwegassi byali bitekeddwa munkola bulunji. Obukulembeze bwekibiina kyobwegassi nga bayambibwa owebibiina byobwegassi ku district ye kiboga (District Commercial Officer), abakiise kukakiiko akebyenkulakulana (JDF), abakungu okuva mu NFC na bakulembeze bebitundu okuva mu disitulikiti ye kiboga mulukiiko olwa teekebwateekebwaa CAO basoobola okwekanya, okutaanya era n'okwetegereza buli pulojekiti eyali ekoledwa akakiiko aka JDF era nebakkassa nti pulojekiti n'ebyona ebyali biteseddwako mu ndagano byali bitekedwa munkoola bulunji.

Abantu abaakosebwa bali mukuugezako okuzaawo obulamu nembeera zabwe eza bulijjo era n'okufuna ebilunji ebiri mukubeera nettaka e'lyabwe nga bayita munkolagana enuungi nemumiwatwa ejiri mubitundu n'okukuma enkolagana ennungi wakati wa NFC wamu ne gavumenti.

Ebyo nga obitadde wabali, wakyaliwo okusoomozebwa kungi eri ekibiina naddala nga kwekuusa kukufuna obwananyini kuttaka era n'okubeera n'olukusa kuttaka

eryagulibwa ekibiina kyobwegassi , okusoomozebwa okulala kulimu; Okusobola okufuna amazzi amayonjo mubitundu gyebaba basenze, Oburonjo obusookebwako obwa ba memba naddala nga kaburonjo ezomulembe, okuziyiza endwadde eziyinza okuletebwaa olwebula lyakaburonjo, Ebuula lye bikozesebwa mu masomero nemumalwalirwo amatonotono naddala abasomesa na basawo awo nga kw'otekka no'bujjanjabi obusokerwako obutono ddala mubintu gyebabela.

Ekibiina kyobwegassi ne bamemba bakyeyongera okusanga okusoomozebwa Kwa manyi mumbeera yabwe oyobulamu enuungi wamu n'okwebezawo nga era bwekiri mubitundu ebirala ebyebalo mu Uganda. Emikisa mubyobulimi, Obusubuuzi, N'okutandikawo ebintu ebiyingiza sente wamu n'okusawo emirimu bisaana okussibwako essira era bikulaakulanyizibwe.

CAO egeezako okutegeza kubitongole ebyenjawo ebigabi byobuyambi kukusoomozebwa ekibiina kwekiytamu ne suubi nti ebitongole ebigabi byobuyambi binayamba kukibiina kyobwegassi neba memba baakyo. NFC n'ekibiina kyobweegassi bamarilivu n'okweyongera ogenda mumaaso ne nkolagana eliwo wakati wabwe wamu n'okuzuula amakuubo amapya okolaganira awamu mubirubirirwa byabwe. Kino mu dda kijja kuteekawo ekibiina kyobweegasi nebitundu ebya manyi era ebitutumufu.

Ekibiina kyobwannakyewa (NGO) ekikola ku buyonjo n'eba mazzi ekiyitiba **Drink Local Drink Tap** kyataddewo dda ettafali ddenenyio ekyakatebe nga kikoze omulimu gwamanyi ogwokuzimba nayikondo ne kaaburonjo mu kitundu kino abantu gyebabela. kati era nga tusuubira nti bajja kweyongera okukolagana nekibiina kyabeegassi munkongera okukulakulanya teknologiya omujja atambula nembeera za bantu mu kitundu.



NFC wamu n'abantu ab'abeetolodde batandiseewo enkolagana nenkwataganya egganyulwa bwombi. Era esobola okozesebwwa nga ekyokulabirako mu ma kampuni amalala n'ebitundu ebibeetoledde, nga eyoleesa obukulu n'omugaso ogusobola okutondebwawo nogabaana nga mukoleera awamu okusobola okutuuka kukiruubirirwa ekyawamu.

CAO elina okwenyumiriza kwamanyi munkola eno era ekiikatiliza nti singa tekyali kya moyo mulunji n'okwewayo okwayolesebwwa abantu abali beemulugunya ne NFC mu nkola eyokutesaganya byona tebyalisobose.